**"Yesu Kristo jjo ne leero aba bumu n'okutuusa emirembe n'emirembe."**

(Abaebbulaniya 13:8)

# EBBALUWA

**Omwezi gw'okussatu/n'ogw'okuna**

Abaagalwa aboluganda ne banyinyaze abewala n'okumpi, balamusa mu n'geri y'omukwano era n'obukakamu mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo ne byawandiikibwa okuva mu kubikkulirwa 4:11,

**"Osaanidde ggwe, Mukama waffe, Katonda waffe, okuweebwanga ekitiibwa n'ettendo n'obuyinza: kubanga ggwe wabitonda byonna."**

Ekitundu ekiddibwamu mu luyimba "Osaanidde ..." lufuuse oluyimba lwaffe olw'ettendo lwe tuyimba ne mitima gyaffe gyonna nga tusinza Katonda, Mukama waffe. Mu mazima, **ekitabo** n'obubonero omusanvu tekikyali kigale; ekirimu kyonna kya bikurwa okutuusa ku sula esembayo. Endiga ya Katonda yatwala ebibi by'ensi ku ye mwennyini era n'attibwa ku lwaffe ku musalaba. N'omusaayi ggwe Omununuzi yagula ababe; ya bayita okuva mu mawanga gonna era n'ennimi zonna n'abafuula bakabaka era bakabona. (Okubikkulirwa 5:1-10; a.o.).

Okuva mu kubikkuka kw'obubonero tu tambudde n'ebigere ku kifo ekitukuvu eky'okubikkulirwa, mu n'geri esinga obulungi. Buli kintu Katonda era n'abikkula eri omuddu be Yokaana ku kazinga ka Patumo kaakano abaddu ba Mukama basobola oku by'etuusako. Ow'oluganda Branham yali kibya ekyalondebwa ebyama by'ekitabo eky'atekebwako obubonero bya bikkulwa mu biro byaffe.

Peetero yali musajja owe kiseera eky'asooka n'okubikkulirwa okw'enjawulo okwa Yesu Kristo, era yaweebwa ebisumuluzo eby'obwakabaka bwo muggulu (Matayo 16). Ya sangibwa nga tukiridde okubuulira okw'asooka ku lunaku lwa bapentakokti (Ebikolwa by'abatume 2), olunaku ekkanisa bwe yatandikibwawo. Okubuulira okusembayo okw'omuddu wa Katonda yenna ow'amazima kulina okuba era kuliba nga kwe kumu nga bwe kwali emyaka 2000 egyayita mu Yerusalemi. Bw'ekityo n'okubatizibwa okusembayo bwe kuli kolebwa mu linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo era ekirabo ky'omwoyo omutukuvu kiri buulirwa ne

kimanyiririrwa nga bwe kyali ku lubereberye (Ebikolwa by'abatume 2:38-41); Ebikolwa by'abatume 8:14-17); Ebikolwa by'abatume 10:34-48; Ebikolwa by'abatume 11:12-18; Ebikolwa by'abatume 19:1-7). nga okukomawo kwa Yesu Kristo tekunaba kubaawo, okuzibwa obuggya kwonna, ebintu byonna we bizibwa mu n'geri yaabyo ey'asooka era entuufu, eri n'okuyigirizibwa era ne manyiririrwa, okusinzira ku kisuubizo (Malaki 4:5-6); Matayo 17:11; Makko 9:12; Ebikolwa by'abatume 3:17-21; Yakobo 5:7-11).

Pawulo yali musajja we kiseera ekyo eri oyo okuteesa kwonna okwa Katonda kwali kwa mubikkulirwa. Byonna eby'abikkilirwa eri abatume ne bannabbi bya londebwa eri abaddu bonna aba Krisito era ne kkanisa yonna. Nga Pawulo yali Mutume era muyigiriza (2 Timoseewo 1:11), bw'ekityo bonna abaddu ba Mukama basigala mu jigiriza y'emu ey'abatume Ebikolwa by'abatume 2:42). tebali buulira njiri endala (2 Bakkolinso 11:1-3); abaggalitiya 1:1-12); bali n'okujulira mu mazima ng'ejigiriza ya Baibuli era abikuma nga te bitekeddwamu bwenzi. (2 Abakkolinso 4:1-6). Omutume mu butuufu alaga obuweereza obwa tekebwawo ne Katonda mu kkanisa mu byawandiikibwa bino, **"Omuntu atulowoozenga bw'ati, nga tuli baweereza ba Kristo era abawanika be byama bya Katonda. Era wano kigwanira abawanika, omuntu okulabikanga nga mwesigwa."** (1 Abakkolinso 4:1-2). Okuva edda ebyama bya Katonda ebya kw'ekebwa mu ntegeka ya Katonda ey'obulokozi bya bikkulwa gye tuli, kirina okuba omurimu gwaffe okuba abesigwa nga twegedereza mu butuufu bw'akyo nga tugabana n'abalala.

Obutafaana na kintu kyonna mu biro byaffe, Ow'oluganda Branham yasobola okulaga abantu ba Katonda byonna ebyabikkulwa eri Peetero, Pawulo ne Yokaana, mu bulamba bwabwe bwonna. Nga omuddu wa Katonda era eyakakasibwa nga nnabbi ow'obwa Katonda omutuufu, yali yaweebwa omurimu okulongoosa byonna okubizayo mu mbeera zaabyo ez'asooka (Matayo 17:11; Makko 9:12). Ebintu byonna, mu jigiriza ne mu bikolwa, byali biri n'okuddibwamu okuzimbibwa ku musingi ogw'asooka ogw'abatume ne bannabbi (Abaefeso 2:20). Buli muddu wa Kristo mu biro byaffe aliba mugonvu era nafuna ekifo kye ekituufu n'etegaka y'obwa Katonda n'obulokozi. Agenda kw'eyongerayo n'obuweereza bwe kulw'okuzimba omubiri gwa Kristo mu kkanisa okutuusa nga abaana ba Katonda bonna batuuka mu bumu bw'okukkiriza, era n'amagezi go Mwana wa

Katonda (Abaefeso 4). Ekkanisa y'omugole erina okwegatta ku anaawasa omugole: Ye gwe mutwe era nga ffe tuli bitundu ku mubiri gwe. Ayagala okutambula era n'okukolera wakati mu babe be yalonda era abantu abayawulibwa. Kubanga ye Katonda waffe; era ffe tuli bantu ba muddo gwe, era endiga y'omukono gwe. Ye Kitaffe era tuli baana b'obulenzi era n'ab'obuwala (2 Abakkolinso 6:14-18).

Si kyama nti amakkanisa gonna ga tambulira mu makubo gaabwe bennyini era ne gaba n'ejigiriza zaabwe n'obuwangwa, eky'okulabirako mu gw'okubiri 2006 abakyise enkumi ssatu aba amaddinni 347 ba kungganira mu kibuga kya Porto Alegro (Brazil) okulaga obumu bwabwe nga bye yongerako era n'okusseekimu nga bakoleera wamu na makkanisa ga bapentakoti. Naye twewulira okukakibwa okubuuza ekibuzo: Kiki okwegatta kw'enzikkiriza ne by'obufuzi kye kulina okukola ku kw'egatta kw'obwa Katonda mu Yesu Kristo? N'agamba, **"Nze mubo, nawe munze, batuukiririenga okuba obumu ..."** (Yokaana 17:23). Ekyo mukisa omubi, mu kw'egatta kw'ensi bino ebiddako bikya genda mu maaso, "Ndi mu kkanisa yange era oli mu kkanisa yo; Nzikkiriza kye njagala era nawe okkiriza by'oyagala era bw'etutyo tukola obw'egasi obutukiridde mu kwe yongerako."

Okusinzira ku bisuubizo mu byawandiikibwa, okwegatta kw'abo abali ekitundu ku mubiri gwa Yesu Kristo kaakano ku genda mu maaso n'obusobozi bwa Katonda obusinga era namaanyi ge, nga bwe gakola mu kkanisa ey'edda, **"Mu mwoyo omu fenna tw'abatizibwa okuyingira mu mubiri gumu ..."** (1 Abakkolinso12, okuva ku kanyiriri ke 13). Okubatizibwa kwa Baibuli n'omwoyo omutukuvu kwegatta ddala ku kubatizibwa kwa Baibuli okw'amazzi okwa bakkirizan (Ebikolwa by'abatume 2:38-39; Ebikolwa by'abatume 8:15-17; Ebikolwa by'abatume 10:44-48; Ebikolwa by'abatume 19:5-6). Ebyo eby'asooka by'ebyokulabirako byokka ebituufu ebya tekebwawo gye tuli mu biseera by'abatume birina okusigalawo emirembe gyonna okuba eky'okulabilako kulw'enjigiriza yonna n'obulamu mu kkanisa emu ey'amazima.

Mu n'geri endala, kaakano tulaba e'ngeri , wansi w'okuweebwa obuyambi mu by'enfuna nga biva mu Roma, ebya yogerwa ku nsi, eby'obufuzi, era n'okwegatta kw'enzikkiriza okw'ebulaya biri kubeerawo mu maaso gaffe mu kw'etegeekera

eby'obufuzi by'ensi. Amakkanisa agazaalibwa kaakano gaddayo eri nnyina wago. Ekigambo kya Katonda kilaga okwgatta kuno nga "Babulooni ekinene." Edembe era n'enkola y'okwegatta likwatiridde byona e'nzikkiriza n'obuwangwa. Ne wankubadde nga tumanyi bino byonna ebiganda mu maaso, ekigendererwa kyaffe ekikulu kiri kwebyo Katonda bye yasuubiza eri ababe ku lwe biro bino mu Kigambo kye era ne byali kukola mu biseera bino mu makati gaabwe, eky'okulabirako okukyusa emitima zaffe eri ba kitaabwe ku lubereberye, mu jigiriza ne mu bikolwa.

## Okwelaba mundabirwamu

Ebbaluwa ey'omwezi gw'ekumi nebiri 2005 kyali kitegeza okudingana kwe ddobozi okutabangawo. Ab'oluganda ne banyinyaze abali mu nsi yonna kaakano bategedde bino ebiddako kye bitegeza ddala, **"Mutegeere nti Mukama akulembera abatuukirivu be mu n'geri esinga obulungi."** Bangi ku bo bakisoma omulundi gwabwe ogusooka e'ngeri Mukama omw'esigwa bwe yadingana ng'awa ebilagiro ne ddoboozi ery'omwanguka, eddoboozi lyonna eriyingira nga lifumitira ddala. Kyo mazima agategeerekeka okuyita mu buweereza kw'obutume n'obunnabbi obw'oluganda Branham twayannjulwa eri ekigambo eky'asuubizibwa eky'ebiro bino. Bw'etutyo twaweebwa ekirabo okuba mu kitundu eky'omugaso mu ntegeeka y'obulokozi. Lwaki omununuzi talabirira abanunulwa? Ye takya tambulira wakati we Ttabaaza omusanvu? Abalonde tebakyali ku nsi eno? Tebaali kuwulira mwoyo kya gamba eri amakkanisa? Kiki ekirala Mukama kyalina ku nsi eno g'ogyeko ekkanisa ye zzadde ery'asooka (Abaebbulaniya 12:22-24), ku ebyo yawayo omusaayi gwe n'obulamu (1 Peetero 1:13-22)? awasa omugole kaakano ayita omugole we mu nsi yonna era ajja ku mutwala mangu ewaka. E'nzikkiriza zonna n'obuwangwa tebuli kutwala amakubo gaabwe bennyini, ebyo ebigenda ddala okubakulembera mu kuzikkirira? Ensi yonna teyesiogamye ku mubi, nga omutume Yokaana bwe yawandika(1 Yokaana 5:19)? Ekyo ekya yogerwa tekikwata ku Mukama waffe Yesu Kristo akya kola ne leero, **"Oyo lye jjinja eryanyomebwa mmwe abazimbi, erifuuse ekkulu ery'oku nsonda..."** mu ekyo ekkanisa ekya gobeerera ekyo era kikya buulirwa mu kulaga Yesu Kristo, **"So tewali mulala mulokozi kubanga tewali n'alinnya ddala**

**wansi w'eggulu eryaweebwa abantu eritugwanira okutulokola ..."** (Ebikolwa by'abatume 4:11-12)?

Okuyita mu mirembe gyonna abaddu ba Katonda bawulira eddoboozi lya Mukama, bafuna okubikkulirwa n'okulagiririrwa era ne babuulira ekigambo ekituufu. Mukama yayogeera ne Ezeekyeri emirundi kyenda. Era nsobola okulaga ekifo kyennyini ekitufu ne ngamba, nga Pawulo, bwe yakola **"Awo olwatuuka..."** (Ebikolwa by'abatume 22:6). Era, nga Pawulo, sobola okujulira nti n'awulira eddoboozi ly'oyo omuyinza we bintu byonna mu lulimi lwa Mange (Ebikolwa by'abatume 26:14). nga bwe kisaanidde okutekebwako esira. Naye, ntegeera lwaki abantu bangi bazibuwalira okukkiriza ekyo, kubanga waliwo bingi ebya gunjizibwawo n'abantu era nga balina embozi nyingi ezisikiriza ezigenda mu maaso. Biseera ki, eky'okulabirako, Omubuulizi agamba, "Nzikkiriza Mukama ayogede gy'endi ..." nera wade nga kya sazewo ku bigambo kilaga nti ddala kibagwanira bya kusuubira mu birowoozo, okubibikula nti mazima tekyaaliwo.

Nga bwe kiri ne bintu ebilala, wade nga tutuuse ku nsonga ye somo lino waliwo ebimu bitegeza birungi, naye ebilala bikyamya, tukoperera ne tulimbibwa. Mwanyinaze yajja gy'endi oluvannyuma lw'okuwulira nti Mukama ya yogera nange ne ddoboozi ery'omwaguka n'agamba, "Ow'oluganda Frank, nkyikkiriza, kubanga Mukama naye ya yogera nage ne ddoboozi lya waggulu." Ne mu buuza, "Eddoboozi lyava waggulu? Lyali ddoboozi lya musajja?" "N'edda," n'addamu, "nti eddoboozi lyali linva maaso." bwe na mu buuza okubulira mu butuufu bw'akyo nga we byali, n'agamba, n'awa obunnabbi ne ddoboozi eddene. Nti lyali ddoboozi lya Mukama! "Omuntu yenna bw'awa obunnabbi kiba bw'atyo bw'ayogera Mukama." nali n'okukinyonyola mwanyinaze oyo nti obunnabbi bw'ogera n'eddoboozi ly'omuntu kin'omu, ku ekyo ffe kitwetagisa okumanya okusikirizibwe gye kuva. Ekyo tekirina we kifaanana ne ddoboozi ery'omwanguka erya Mukama.

Waliw okukyamizibwa mu ebyo ebitekebwawo eby'omwoyo ebitasobola kufuusibwa okuba ebituufu. Ekyokulabirako eky'ennaku: mu mwezi ogusooka 2006 ow'oluganda yajja gy'endi oluvannyuma ng'asomye ebbaluwa na ggamba, "emyaka ekumi egiyise olwa jjo mu mwezi ogusooka 1996, eddoboozi lya Katonda lyali lilina okw'ogera ebigambo ebigoberera nga by'ogerera waggulu

era nga bilambulukufu, 'kubanga tewayawukana ku ye, kale, manyi n'akwawula ku ye era ojja kubaawo.'" ne kigambo ekyo omukyala yayita muwala we ayawukane mu mateeka ku musajja we, nti asobole okuwonyezebwa obulwadde bwe obwa kokoolo. Lunaku ki Katonda lwe yayagala ekintu bw'ekityo kulwo kuwonyezebwa? Ebyawandiikibwa biyigiriza nti kulw'okukubibwa kwe twawonyezebwa (Isaaya 53; a.o.)

Ekikolwa ky'okugoba kikolebwa era kyatekebwawo n'abanamateeka, naye omusajja teyakkiriza kugoba era yagaana okulabika mu kkoti mu gw'ekumi n'omu 1997, era omukazi yafa mu gw'ekumi nebiri nga tebatabaganye. Okuva kw'olwo bino ebigobeerera bye bamunenya: Omusajja we avunanyizibwa ku kufa kwe, kubanga yagaana okugobebwa bw'atyo "eddoboozi" lyali ry'etaga bw'ekito, okugoba murimu gwa Setaani ogw'okusanyizibwa era kuleta ennaku eyamaanyi eri amaka gonna. Ekyo kisobola kitya okuleta okuwonyezebwa kwonna? Okusinzira ku Malaki 2:16 kikolwa kya kyejo – ekyo kaakano kyabikibwako n'ekyambalo ky'enzikkiriza! Ne mu Ndagaano Katonda kyokka kye yakkiriza omusajja okuwa mukazi okumuwa ebbaluwa ey'okwawukana nga wabaddewo ensonga, naye teyakkiriza omukazi okuleta ebbaluwa egoba eri musajja we. Kyatwalibwa mu butuufu nti abo bonna abawa ekitiibwa obuweereza bw'oluganda Branham mu bwegendereza basoma ekyamubikkulirwa ne Katonda ku somo ly'o >>okuwasa<< era n'okubukola mu buntu nga ebyawandiikibwa bwe bigamba.

Setaani, asendasenda yakyusa omutwe gwa kaawa mu lusuku Eden n'awo yasobola okumusimba ensigo y'okubuusabuusa ku Kigambo Kya Katonda. Waliwo obunnabbi bw'obulimba n'okwolesebwa kw'obulimba, nga buli kintu bakiyoyota okusobola okugenderawo mu beera (Yeremiya 23; Ezeekyeri 13; a.o.). abantu abagwa mu kusikirizibwa kuno okw'obulimba basobola okubeera ddala bafu era nga bamalirivu nga bategeza nti kirungi mu makubo gaabwe bennyini, naye nga omulundi gumu bakungula ebyo kagala kwabwe bennyini – beteka bennyini mu kusikirizibwa eri oyo olumu eyali kumpi ennyo ne Katonda. Basseraafi ebafukibwako amafuta, omwana w'enkya yeyogerako, "Ndigulumiza entebe yanga … Ndi … Ndi …" (Isaaya 14:12-14). Mwennyini okwegulumiza, okweyagaliza okufuga, okutekawo entebe ye mwennyini, Okwegomba okw'enkanakana ne Katonda kyavako okugwa kwe. Okugwa

muggulu kwavamu okugwa mu kibi eky'asooka ku nsi. Setaani, eyali olumu nga museeraafi eyafukibwako amafuta, yakyamya kaawa nga akozesa ebisikiriza eby'omulyolyomi, nga muwa ebiganbo ebiwomerevu ku ebyo Katonga bye ya yogera. Ya mu sendaseda okuwayo eri okwagala kwe kwennyini. Eri abkkiriza si kulimbibwa kunene okusinga okukyusakyusa ekigambo okusinzira ku kusanyizibwawo kw'omuntu mwennyini.

Ekkanisa entuufu esigala nga ye dwaniro okulwana kwe by'omwoyo okw'eyongerera ddala. Ekintu ekituufu kyennyini era n'eky'obulimbibwa biriraganye byombi. Nti okusingira ddala ki tujukiza ku kyabaawo wano mu 1979. Omusango gumu omulala ogw'aliwo tu sobola oku kyogeerako. Mu kusaaba emabegako, mwanyinafe omu nn'obunnabbi yayita mwanyinafe ne rinnya mu maaso asabirwe okusobola okufuna okusiburwakwe. Mu kifo ky'omwanyinafe eyayitibwa musajja we yajja mu maaso nalangirira nti mukazi we yali tasobola kukikola kubanga yali bweru wa kibuga. Kino te kyali kiseera kituufu eky'obunnabbi okujja mu maaso okusaabirwa, asobole okusimulurwa okuva ku mwoyo ogw'ali gw'amukyamya.

Abantu abakungula emyoyo zaabwe bennyini era nabo abakkiriza bennyini okukyamizibwa nabo – ogwo, ekyennaku, kibaawo ebiseera byonna – ba kisanga ddala nga kizibu okukkiriza amazima. Okuva bw'ebatyo bwe bakola ne bafuna obumanyirivu okufukibwako amafuta okutuufu era ne bafuna ebirabo by'omwoyo, amalala gaabwe te ga bakkiriza okw'enenya omusango gwabwe. Bayita abalala bonna mu kw'enenya, naye bo bennyini tebewa kirowoozo kya kwekebera, kubanga balowooza nti tebalina nsobi mu bwakabaka bw'omwoyo. Naye, ebyawandiikibwa mu bulambulukufu biyigiriza **"Okukakasa ebintu byonna!"** Wadde ne bannabbi bandibadde basalirwa omusango ne kungganiro (1 Abakkolinso 14:29). eky'ennaku abantu abo tebewayo eri okugezesebwa okwo eri ekunganiro, naye baleka ekkanisa kubanga – okuva ku nsonga zaabwe ez'akyamizibwa – waliwo ekintu ekikyamu n'ayo. Mu bugonvu baleka ekunganiro era mu lwatu taweebwa magezi mu ekyo agamaze okuleta akatabanguko mubo. Kitwalibwa mu bwangu nti buli kiva mu mulabe kileta e'ngeri enyangu okuwuliziganya n'obulabe obubaawo mu biseera by'obulamu, okujjako nga Katonda abiyingiddemu olw'ekisa kye. Mu bulamu bwa banunulwa abatuufu tusanga nga kyalagibwa nti

Yesu Kristo teyawangula obulabe bwokka ku musalaba naye ne mubo. Olw'ekisa yaba fuusa okuba abaleta emirembe (Abaefeso 2:1-22).

Ekitundu ky'okussatu kiri nti abantu bagwa wansi we bikolwa bya Setaani mu misango gyombi: kulw'obunnabbi bw'obulimba oba enjigiriza y'obulimba, byombi bisikkiriza. Obulimba busiba, amazima gokka ge gakufuula mulekule. Abantu abo tebasobola kulekulwa okujjako nga bakkiriza ensobi zaabwe ne basaaba okulekulwa n'okusaaba mu linnya lya Yesu Kristo, okusinzira ku Kigambo, **"Era byonna bye muli sumulula ku nsi birisumululibwa mu ggulu..."** (Matayo 18). Makama waffe naye yayogera ku ba kristo b'obulimba – abafukibwako amafuta ab'obulimba asobola okulimba omuntu yenna, n'okusuubira kw'omulonde. Mukama waffe atuwa kuno okulabula okwetagisa ku lwe biro bino, **"Nti mulabe omuntu yenna tabakyamyanga."** (Matayo 24:4). Nti, ennyo, birikubaawo nga tubilaba n'amaaso gaffe. Okufukibwako amafuta n'ebirabo by'omwoyo ogwa bantu abalala abakola ebisikkiriza bitwala abantu kulwe bigambo byabwe ebiwomera abangi bi balimba. Awatali okufukibwako amafuta kyandibadde nga tekisoboka okw'ogera ku buno obulimba bwe e'nzikkiriza mu bakkiriza. Oluvannyuma lw'okuwulirisa kulusitalo mu bulambulukufu okukola kw'omwoyo Omutukuvu.

## Esira ku buyisiramu

Ebyakolebwa mu gw'omwenda nga 11, 2001, abatujju abayisiramu bakola bo kye bayita "ekitukuvu" ekigendererwa kyabwe oluvannyuma lw'okusala obulago bw'omuvuzi wennyonyi owa America ba wamba ennyonyi mu n'geri ya kikusikusi ne bagiyingiza ku munala gwe kizimbe ky'obusuubuzi bw'ensi yonna ekiri mu New York, Kwali kuzuukuza kwa busungu eri amawanga ga bazungu era ne kibaletera okueera n'okutunulira okw'okumpi eri e'nzikkiriza y'obuyisiramu eya "nnabbi" Mohammed. Abantu ng'ekumi ssatu ba zikkirira era ne ggwanga lya America ya salawo okulwanyisa obutujju. Eky'ewunyisa ku ekyo ekigendererwa kyabwe egwanga lya USA kaakano evunanyizibwa mu kulwanyisa abatujju abasinga obunji era ekyennaku tebafayo ku dembe lya

bantu n'amateeka ge gwanga ag'abantu abakwatibwa mu kuwanyisiganya amasasi.

Waliwo bangi abayisiramu mu buwarabu ebibinja bya batujju nga ebilala ebitali bya bayisiramu, naye obuyisiramu, ebibinja bya batujju ebikolera mu mawanga manji, nga batukira ddala wala okutuusa mu Phillipines. Ekigendererwa kya ekikulu kwe kumulisa omusingi gw'ebyafayo eri obukyayi n'obutujju obunji obulwanyisa Isiraeri nga kye kifuga e'nzikkiriza eno. Mu 1982, mu biseera nga ndi mu Misiri, n'asoma qurani yonna ne Surahs 114. Abantu be nasinsikana mu Cairo ne Alexandria baali bagaliza era nga balabirila. Okunyaniriza kwe badaga kwali kusufu. Bwe nali soma qurani, nategeera nti tewali kitundu ku yo awali okussekimu n'endagaano enkadde n'empya. Mu kweyongerayo sasobola kufuna ku ekyo eky'esitaza Mohammed n'ekimuletera okubeera n'obukyayi bw'ebutyo eri abayudaaya. Mu surahs 5:19 nakyo kyogera ku Isiraeri, awo wennyini ayitwa "Abantu be kitabo", "… muyingire mu kifo kyonna Katonda kye yaabawa." Omunaggwanga omuyisiramu alangilira atya nti Isiraeri terina kubeera mu nsi yaabwe?

Oluvannyuma lwokka nga maze okusoma ennyanjula y'obuyisirama era nebitabo ebilala ku buyisiramu ne "nnabbi" "Mohammed, nategera ensibuko y'obukyayi buno. Mohammed yali tasobola kusoma oba kuwandiika; n'olwekyo yali esigama kw'ebyo bye yali amanyi era ne kw'ebyo abalala bye baali bagamba. Yakozesa eddowooza okuva mu bukristayo bw'ensi, ekyogera nti Katonda alin'omwana mu ggulu, era nakitwala nga kya buvoozi. N'olwekyo teyawulirisa bakristayo. Baali basasana wonna era te bamutuusako buzibu bwonna.

Embeera n'abayudaaya, abaali nga eggwanga mu Yatrib/ Medina, ky'ali kya njawulo nnyo. Ekusuubira mubo kw'ali kujja kwa nnabbi Eriya, eyali alina okutuuka nga olunaku lw'omusango terunatuuka. Ebirowoozo bino byamusikkiriza era nga tebisobola ku muvamu mu birowoozo bye. Okusikkirizibwa na kino, ya genda mu mpuku y'olusozi Hira, ekisangibwa nga 5km mu mambuka ga Mecca. Awo yawulira eddoboozi erikanga nga ligamba, "Soma!" n'addamu, "Sisobola kusoma!" nate, "Soma!" "Sisobola kusoma" nate n'agenda ku lusozi awo eddoboozi ne ligamba, "O mohammed, oli mubbaka wa Allah era nze Gaburyeri." yatunulira waggulu era

ngalina okulaba Malayika mu bire eyali amaze okusasanya ebiwawatiro bye ku nsi yonna.

Ekituufu mu nsonga kiri nti bamalayika tebalina biwawatiro, aba abacherubin ne abasseraafi be balina ebiwawatiro. Gabudheri era ne Mikayiri balabika mu kifaanani ky'omuntu nga bwe tukisanga nga kyakakasibwa ebiseera bingi mu bya wandiikibwa ebitukuvu.

Okuva ku lunaku olwo y'ewulira nti ye nnabbi asembayo eyayitiibwa, okuyita mu oyo okubikkulirwa okusembayo gye kulin'okuweebwa eri omuntu. Bino ebyenkulankulana mu mawanga nti abalala bonna, amaggwanga amalala ag'abawarabu nga abakristayo n'abayudaaya, baali balin'okwewayo eri obubbaka buno obusembayo okuva waggulu. Okutuusa ne kaakano kino kisigala nga omusingi gw'okukkiriza eri abayisiramu. Batwala ekyo nti kyabuvoozi omuntu yenna bw'atakkiriza okubikkulirwa kuno okusembayo, eryo Gabudhyeri mwennyini – nga bwe bagamba – yabiwa omubbaka wa Allah.

Abayudaaya mu Yatrib/Medina te bakkiriza Mohammed nga nnabbi wabwe eyasuubizibwa, yesitala mu mwaka 627 yayita abalwanyi bonna, mu biseera ebyo eyawangula nafuga ebifo bya bayudaaya n'asala omuwendo ogusinga ogwa basajja (Abasajja nga 800) era ne basitula abakazi n'abaana. Okuva kw'olwo >>Jihad<<kugenda mu maaso era ne leero kikumidde ensi mu busambatuko.

E'nzikkiriza y'obuyisiramu yetagisa okwagala kwonna era n'okwewayo okw'ememe, omwoyo, n'omubiri. Ku lunaku luno obukyayi busooka ne butunuzibwa ku Isiraeri, ensi z'obuyisiramu bu kiyita "Setaani", era eri abo bonna abakakasa eggwanha lya Isiraeri, okusingira ddala USA. Akaseera katono akayise ba fuulumya ebifananyi bya katuni nga Mohammed akubiddwa mu bifananyi nga omubi ayaniriziddwa nabo abagala waggila obukyayi okugenda mu maaso.

Ekigendererwa kye ddinni y'obuyisiramu kisigala kye kimu, ekyokulabirako ekyo mwezi ogw'ekitundu okutuuka ku mwezi omujuvu nga kitwalibwa eri ensi yonna mu nzikkiriza y'obuyisiramu. Okufuulumya kw'ebifanyanyi kumi nabibiri ku funye obuwagizi ku >>Jihad<<. Ensi zabazungu zatekebwa mukutya era zikola buli kisoboka okukakanya abasiramu

abakambwe. Kulw'ensonga eno enyonyi ya bangereza yaweera bonna abagenda mu sawudi arabia ne BA teri akkirizibwa okuleta Baibuli.

Kaakano okusinga nga we by'ali esira yaffe ekulu kiri kumpi era n'amakati g'ebuvanjuba: Isiraeri, Syria, Iraq, era n'endala nga Iran. Nga bwe tusobola okubifuna ku mikutu gy'amawulire n'ebifumizibwa, Russia era ne China bawagira ensi z'obuyisiramu era bagezako okutwala omurimu gw'obutabaganya mu kusobola okubafuga. Mu biro bino tetugende mu binji eby'obunnabbi bwa Baibuli, obw'ogeera ku mawanga g'amambuka ne buvanjuba – mu kukolagana ne Isiraeri - , naye emirimu egigenda mu maaso biri kubeerawo mu kutukkirizibwa n'ebyo ebikolebwa ebye biro by'enkomerero.

Omuyisiramu omukambwe owa Iran Mahmoud Ahmadinejad, Yalaga obukyayi bwe mu lwatu eri Isiraeri emirundi minji. Era agenze wala nnyo mu bigambo byayogera okugaana Isiraeri: singa abayudaaya ba tamira, tebandibadde wano kaakano.

Ku kifo kye bijukizo Yad Vashem mu Yerusalemi enkambi zabantu kin'omu abattibwa era abantu bonna abattibwa ekirindi era ne boky'ebwa babawandika mu mannya era ne mu muwendo. SS-myrmidons bennyini baali, kituufu, nga bakuma ebiwandiko ebituufu ku bikolwa byabwe eby'okutta mu buli nkambi. Kino si kituufu; amawulire ku biwandiko ebyo kikakasa awatali kubuusabuusa nti kimu kya kussatu ekyabayudaaya battibwa mu mawanga ge bulaya mu "Third Reich" mu n'geri ezisinga obubi. Lwaki okuwakanya kw'okutta okwe kirindi kaakano kwandibadde ensonga okugaana eddembe lya Isiraeri okubaawo tekokola makulu eri omuntu yenna owebirowoozo ebirekana. Bwo bukakafu bwa ddala nti omulabe wa Isiraeri ajja kunonya e'ngeri yonna esoboka okw'ongeera okuleta obukyayi obusinga.

Katonda mwennyini yawa ebisuubizo eri Isiraeri mu Amosi 9:14-15 ekyo kimaze okutukirizibwa eri amaaso gaffe, **"... Era ndibasimba ku nsi yaabwe so tebalisimbulwa nate mu nsi gyebawadde, bw'ayogera Mukama Katonda wo."** Ku abo abasasanyiza abantu be ne bawula ensi yaabwe abalangilirako emisango ezigoberera: **"... era ndi bakwatira ekisa abantu bange kubanga bwe busika bwange Isiraeri, be basasanyiza ne bava mu nsi yaabwe."** (Amosi 3:2). omusango guno nga bwe

guli beerawo nga amawanga gonna agetoolodde nga gakunganye okulwanyisa Isiraeri kilagibwa emirundi minji mu Kigambo kya Katonda (Ezeekyeri 38; Yoweeri 4:9-17; Zekkaliya 14:12-21; Okubikkulirwa 19:11-21).

Okubikkulirwa 9:13-19 ayogera ku bamalayika abana abomusango nebasumululwa abaali bategekeddwa essaawa, n'olunaku, n'omwezi, n'omwaka, okutta ekitundu eky'okusatu eky'abantu. Ekifo kaakano kiteekebwateekebwa,era awatali kutondawo beera y'ebiro by'enkomerero, ffe mu bulambulukufu tusobola okulangirira, **"Muyimuse emitwe gyammwe, kubanga obununuzi bwammwe bu naatera okutuuka!"** Okukomawo kwa Kristo mazima kutuuse. Katonda kye yagamba Ibulayimu kisigala emirembe gyonna nga kya mazima era e'nzikkiriza zonna n'obuwangwa biri n'okubitwala mu mitima gyabwe, "Nange naabawanga omukisa abanaakusabiranga ggwe omukisa, n'oyo anaakukolomeranga naamukolimiranga Nze; ne mu ggwe ebika byonna eby'omu nsi mmwe biriweerwa omukisa." (Olubereberye 12:3). Nebyo ebitafuusibwa byebyo bye yagamba okulaga Isiraeri, abantu be, **"... kubanga abakomako mmwe akoma ku mmunye y'eriiso lye!"** (Zekkaliya 2:8).

## Okumaliriza

Wulira kino, amawanga gonna: emu era yokka ey'amazima, Katonda omulamu gyatebikulira mwennyini mu nzikkiriza nyinji ku nsi. Ye kyokka yebikulira ddala nga Kitaffe mu ggulu mu mwana we yekka omu ey'azaalibwa, Mukama Yesu Kristo, era bw'atyo n'afuuka omulokozi waffe. Katonda yali mu Kristo era natabagana ne nsi. Yesu Kristo kwe kutabagana n'abantu, mu ye mwokka mmwe tulina okusonyiwibwa kwe bibi byaffe. Yekka ye yawangula okuffa nemagombe nawa obulamu obutaggwaawo eri abao aba mu kkiriza. N'olw'ekyo obujulizi bwe byawandiikibwa ebitukuvu bye bino, **"Akkiriza Omwana alina obulamu obutaggwaawo; naye atakkiriza Mwana talilaba bulamu, naye obusungu bwa Katonda bubeera ku Ye."** (Yokaana 3:36).

Omuntu alina okugambibwa amazima gonna mu kittibwa kino. N'olw'ekyo enjiri eyemirembe n'emirembe ey'obwakaba bwa

Katonda erina okulangiririrwa eri amawanga gonna okuba omujulirwa (Matayo 24:14).


Abaweebwa omukisa be bo abekwekera mu kuyita kwa Katonda era ne bakyukira emirimu gyonna egy'enzikkiriza egyitalimu nsa, nga beyawula okuva mu buwangwa bwonna obwasikirwa n'okugonda era ne bakomawo ku mazima, n'okukkiriza okulamu okuyigirizibwa ne byawandiikibwa. Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama: **"Mutunuulire Nze, mulokoke, mmwe enkomerero zonna ez'ensi: kubanga Nze Katonda so tewali mulala."** (Isaaya 45:22). Nate Mukama n'agamba, **"... leero bwe munawuliranga eddoboozi lye temukakanyazanga mitima gyammwe ..."** (Abaebbulaniya 3:7-8).

## Ekiwandiko ekisembayo

Ab'oluganda abaweereza okuva mu nsi Yonna balaze obukakafu bwabwe eri obuweereza buno era batumye ebibuuzo ebikwata ku bigambo Ow'oluganda Branham bye yayogera. Mu kwagala kwa Katonda njja kufuulumya ebibuuzo n'okuddamu mu kitabo eky'enjawulo mu bwangu nga bw'esobola.


Ekibuuzo ekisinga kiri nti oba wajja kubaawo ebiseera ebanga lya myaka essatu ne kitundu oba myaka musanvu wakati wo kukwakulibwa era n'olubereberye lwo kufuga kwe myaka olukumi. Nga mu ntandikwa y'okuddamu njagala kubalaga mu kifaananyi kino mu bbaluwa eno ekyakubibwa n'ow'oluganda Branham mwennyini, kye nakomawo n'akyo nze mwennyini okuva mu jeffersonville. Okulambulula okuwandike kujja ku beeramu eby'okuddamu eri ebibuuzo ebilala byonna.

Ebibuzo ebitalimu makulu, nga ekyo eky'ejjiba nga liva okuva ku malaalo mu Jeffersonville, oba erangi za musoke zali zimulisiza olusozi ekyali kilaga ebyafayo by'omuntu, mu mazima ddala sigenda kukola kw'ebyo.



Banga ki eggwanga lya Switzerland bwe banasobola okukuma egwanika lya Swiss Frank ne lisigala nga lye kamala byonna"currency oasis" mu nsimbi Euro-yeetwala semakati wa bulaya? Ekyokulabirako eky'ensimbi za Swiss Euro coins munana ekya kyumisibwa nga kya busuubuzi. Ebirala bina goberera ng'ebiro bituuse.

## DANIEL'S SEVENTY WEEKS
as drawn by
Brother William Branham



**E'ngendo z'obuweereza**

Kulw'ekisa kya Katonda, kyali n'amaanyi okw'eyongerayo n'obuweereza mu nsi yonna nga mu myaka amakumi anna agayise. Ndi mu kakafu nti enkunggana munana ez'enjawulo, ze n'asobola okumaliriza ez'ategekebwa mu Pakistani oluvannyuma lw'okukumilira kw'emyaka omwenda, mazima kinavamu ebibala by'omwoyo kulw'obuitaggwaawo. Ku lw'okutano, ogw'okusatu nga 10, 2006, abantu g'enkumi ssatu bakuggana mu kibuga kya Lahore mu lukuggana lwa wabweeru, wansi w'obukumi bwa Police ku lw'obukubagano bw'enzikkiriza mu ggwanga. Ekigambo kya Katonda ekituufu kigendera ddala mu maaso mu nsi yonna era n'abasembayo bali ku yitiibwa.

Abagalwa ab'oluganda ne banyinaze, n'andiagadde okulaga okusima kwange ku lw'obuwangizi bwammwe obw'esigwa ku lw'emirimu gy'obuweereza buno obw'ensi yonna era ne mubumalirivu mmwebale okuzijukiranga mu kusaba kwammwe bulijo, okugobereera buli gy'engenda.

N'okutumibwa kwe

Bro. Frank

Mission Center

P.O Box 100707

47707 Krefeld

Germany

Phone: +49-2151-545151

Fax: +49-2151-951293

E-mail: volksmission@gmx.de or

E.Frank@freie-volksmission.de

Homepage: http://www.freie-volksmission.de

(c) by the author and publisher E. Frank